a ***Grace Notes*** course [1]

# Ebbaluwa ya Pawulo eri Tito

by Warren Doud

**Essomo 2**

**Tito 1:8,9**


[1] **Grace Notes** Email: wdoud@gracenotes.info Web: http://www.gracenotes.info

# Tito

# Essomo 2: Tito 1:8,9

TITO 1:8 ..... 3
TITO 1:9 ..... 4
**Okuyiga ku mitwe ..... 5**
Omusango, obwenkanya, n’okulamula ..... 5
Balunzi b’ekisibo kya Katonda ..... 9

**TITO 1:8**

Naye ayaniriza abagenyi, ayagala obulungi eyeegendereza, mutukirivu, mutukuvu, eyeekuuma;

“Naye”: Kigambo kino kiyunga mu kugeregerenya; wano waliwo okukyuuka, okuva mu mbala embi ezirina okwewalibwa, ku bintu ebirungamu z’embala z’omukkiriza akuze, era ezo zezirina okusangibwa mu bukulembeze bw’ekanisa.

“Ayaniriza abagenyi”; (Philozenos), “alina okwagala kwa bagenyi”

Ekigambo kino kirina amakulu agasukka ku kwaniriza abagenyi, okukolera omuntu ekyo kyatasobola kwetusaako oba oyo atasaanira kuyisibwa bulungi, kubanga tolinayo kintu kiraga olina ky’omumanyiko. Ekigambo kino kiraga endowooza ey’ekisa eri abantu botanaba kulowozaako.

Kino kye kigambo eky’okwagala okutali kw'abantu – ekika ky’endowooza etaliimu sukuuti, bugya, bukyayi, oba eyo enyooma abantu abalala, newakubadde waliwo obutakkiriziganya obunene mu njigiriza z’ekanisa oba mu bikolebwa. Kino kye kika ky’okwagala ekireetera omukristaayo okwagala n’omulabe we oba abantu batettanira.

Kino kye kika ky’okwagala ekibala ky’Omwoyo Omutukuvu. Tekuva mukukyamuukirira, wadde nga okwagala kuno kuzaala okukyamuukirira. Okwagala kuno gwe mulimu gw’omukristaayo akuze, kufanaana okwagala kwa Katonda, ekisaanyizo ekitesigamizibwa ku neyisa oba embala y'oyo ayagalibwa, naye ku mbala y’oyo ayagala.

“Ayagala (Philagogos)” omuntu ayagala obulungi”

Wano “Obulungi” kyanditegeeza “abantu abalungi” nekiba “Oyo ayagala abantu abalungi.

Naye amakulu agakugiddwa kigambo obulungi nga totunuulidde lubu lw’abantu, ku nsonga eyo amakulu gandikyuusemu katono.

“Obulungi” olwo kyandibadde ky’ogera ku kirina ekikula ky’obulungi, obulungi munda mu kyo, era mu context eno kyandibadde kyogera ku “bulungi bw’obwa Katonda”, era okutaputa kwandibadde “Oyo ayagala obulungi”.

Nsomye ku bawandiisi abenjawulo ku kino, era nze nnondawo amakulu ag’oluvannyuma, oba oly’awo lwakuba endowooza y’okwagala eri abantu (abagenyi) kissukulumye ku bigambo by’etwakajje tulabe.

“Eyeegendereza”; (Swphrwn), “obutegeevu, okulowooza, amagezi, okwefuga”. (Mu bayonaani: ennukuta ya “W” ekikirira ekigambo “Omega”)

Bwe kikozesebwa ku bakazi mu Tito 2:5 (swphrwn) kitaputibwa nga “amagezi” oba “ekisaanidde”.

Eno endowooza yamunda ey’okufaayo ku linnya ly’omuntu, embala y’omuntu, okulowooza ku ndabika. ekikolwa ye (swphrwneo), ekitegeeza “okuba n’endowooza ennungi”, n’olwekyo kisinga okuba omutebenkevu mu birowoozo.

Ssoma Baruumi 12:1-3 okukyusibwa okuleta obutebenkevu mu birowoozo.

“Mutukirivu”; (dikaios), “mutukirivu, omwenkanya, tasosola”.

Omusumba alina okuba omwenkanya, mu bikolwa bye byonna abantu bonna abayisa kyekimu. Alina okulaga obutukirivu bwa Katonda mu bulamu bw’abantu. Ng’amanyi nti ensibuko y’obutuukirivu ye Mukama era butubalirwa awali bisanyizo. N’olwekyo awummula, nataba musazi wa misango.

“Mutukuvu”: (nosios), kusaasira, wa kisa, mutukuvu”.

Kino si (hagios), “okwawulibwa oba okutukuzibwa”, ebiva mu kugattibwa kwaffe ne Kristo.

Ekigambo kino eky'Obutukuvu kikwata ku muntu wo ow'omunda omulimu Mukama gwakola mu bulamu bw'omuntu. Omuntu ali mubukulembeze bw'ekikristaayo obutukuvu bwe bulina kuba nga bulabika. Alina okumanyibwa olw'ebibala by'Omwoyo, nga abaweereza omusanvu abasooka bwe balondebwa olw'ebisaanyizo eby'Omwoyo n'ebibala byaabwe ebyali birabika.

Ebisanyizo bino bizibu okucupulwa. Abantu bangi basobola okwetekako akakookolo 'k'obutukuvu' oba empisa ennungi; naye Tito yali Omukristaayo alabisa omwoyo, era nga alina obuvunanyizibwa okumanya ensonga z'abantu mu bintu bino.

Ng'asobola okumanya omuntu ayagala ekigambo nga Katonda n'oyo ajjudde Kristo (ebintu byonna eby'obulamu abirabira mu Kristo Yesu) ng'atunuulira omuntu ayita mu kukemebwa okumu (kutono oba nga kunene) era namanya nti omuntu ono amanyi okwesiga Katonda mu mbeera era nasigala n'emirembe n'essanyu wakati mukugezesebwa. Yamanya ekyokutunuulira, era ng'asobola okutegeera omuntu amangu n'embiro.

"eyeekuuma": (egkrateis), Okwekomako: afuga eby'obulamu bwe byonna.

Osobola okufuga eby'obulamu bwo oba byo okukufuga.

Eby'okulabirako: Yer. 35:6; Dan. 1:8

**TITO 1:9**

Anyweza ekigambo ekyesigwa ekiri ng'okuyigiriza kwaffe bwe kuli, alyoke ayinzenga okubuulirira mu kuyigiriza okw'obulamu, era n'okusinga abayomba naye.

Mu lunyiriri luno mulimu emitindo egikolera mu muntu alondeddwa mu kifo ky'omusumba (Omukadde, Omulabirizi), abantu abapya Tito banayawula. Olunyiriri luno lulaga engeri y'Okukwatamu abakristaayo abajeemu n'abatagonda.

Wetegereze kino nti si mulimu gwa Tito okujja mu kibuga n'omuggo omunene ye mwene okukangavvula abalimba, abaleeta obwegugungo, abakuusa, abakyamya abakkiriza. Mubituufu si ye w'okukola omulimu, kubanga teyali wakulwa ku kizinga ebbanga ddene.

Gwe yalonda ye yali ow'okuyigiriza. Mwezi ku mwezi, mwaka ku mwaka, omuntu atutunuse nga Omukulembeze ow'Omwoyo mu kitundu ye w'okubuulirira, okuzaamu amaanyi, okuzimba, okukkirizisa nga okozesa ekigambo kya Katonda okukkirizisa abo abaali besaliddewo oba okuggala obumwa bwa b'ekyejo. Ennono eri nti okuyigiriza kwa Baibuli kye kikozesebwa ekireeta ekyukakyuka mu bulamu bw'abantu. Abawakanya bakwewaayo eri enjigiriza z'ekanisa oba okuwalirizibwa okuvaamu.

"anyweza" (antecomai), okwegatta ku kintu okunyweza; okwewaayo eri"

Ekyo "ekinywezeddwa" ye njigiriza entuufu Omukkiriza gy'enywereza ku kintu.

> Baeb. 4:14 "Kale bwe tulina kabona asinga obukulu omunene, eyayita mu ggulu, Yesu omwana wa Katonda, tunywezenga okwatula kwaffe.
>
> Baeb. 10:23 Tunyweze (antecomai) okwatulanga essuubi lyaffe obutasaaga asagana; kubanga eyasuubiza mwesigwa.

"Ekigambo ekyesigwa" (Pistos logos), kigambo kya bwesige; ekigambo ekyesigamwako" ekyo ekirungamya obwesigwa, kigambo kya Katonda.

"ekiri ng'okuyigiriza bwaffe kuli"; (kata tein didachei), okusinziira kukubuulirirwa; kuyigiriza; kuyigiriza"

"alyoke ayinzenga (eimi + dunatos)  alyoke asobole.

Amaanyi g'omubiri, amaanyi g'obuntu go tegamala, Obusobozi bw'omuyigiriza bwa mu kunyweza enjigiriza z'abaibuli.

1 Kol. 1:26: kubanga mutunuulire okuyitibwa kwammwe, ab'oluganda, ng'amagezi ag'omubiri si bangi, ab'amaanyi si bangi abayitibwa, abamaanyi si bangi, ab'ekitiibwa si bangi.

"Okuyigiriza kw'obulamu" (didas skalia + hugiainw), ne njigiriza etali nnyonoonefu"

(hugianw) "Obutali bw'onoonefu" kidibwamu mu 1:13, 2:1, 2:2, ne (hugiain) mu 2:8 kikozesebwa mu mubiri ku bulamu obulungi, mu njiri ne mu 3 Yok olunyiriri 2.

"Enjigiriza Omusumba omupya gyalina okuyigiriza so nnyonoonefu, ewakanyizibwa n'obukambwe n'endowooza endala mu ssuula eno okuyigiriza kw'obulimba, enfumo, ebiragiro by'abantu.

"Okubuulirira" (Parakalw), "Okubuulirira, okusindikira, okukubiriza"

Omwoyo Omutukuvu ayitibwa Paraclete kino kikolwa mu luyonaani ekirina amakulu amangi mu Baibuli, nga ogaseeko "Okubuulirira" n'okusanyusa oba okukubagiza.

Okubuulirira kwetaaga buyinza, Tito 2:15

"Yogeranga ebyo, obibuulirenga, onenyenga n'obuyinza bwonna. Omuntu yenna takunyomanga.

Okubuulirira kwetaaga bugumiikiriza bungi 2 Tin 4"2 "buuliranga ekigambo; kubirizanga mu bbanga erisaaniramu n'eritasaaniramu; weranga, nenyanga, buuliranga n'okugumikiriza kwonna n'okuyigiriza.

Okubuulira kwetaaga okweyongerayongera Beab. 3:12,13 Mwekuume ab'oluganda, omutima omubi ogw'obutakkiriza gulemenga okuba mu muntu yenna ku mmwe, olw'okuva ku Katonda omulamu naye mubuuliraganenga bulijjo bulijjo, okutuusa ekiseera nga kikyaliwo ekiyitibwa ekya leero; omuntu yenna ku mmwe alemenga okukakanyazibwa n'obulimba bw'ekibi.

Okubuulirira kukolebwa mu kanisa munda Baeb 10:23 – 25.

"n'okukkirizisa" (elegkw), " okuteeka mu kitangala, okwanika; okukkirizisa; okunenya, okuboggola kyavvunulwa nga "okuboggola" mu 1:13 ne 2:15; naye era okuboggola kwa kukkirizisa kuyita mu byawandikwa.

"Abayomba" (antilegw), aba aboogera obubi ku; abo abayamba; abo abawakanya"

Wetegereze enkozesa mu 2:9, abaddu tebalina kuyomba newankubadde okwogera obubi ku bakama baabwe.

Some Lukka 2:34; 20:27.

Soma Baruumi 10:21

## Okuyiga ku mitwe

### Omusango, obwenkanya, n'okulamula

Baibuli egamba nti Katonda asala emisango gya nsonga. Tumanyi nti emisango n'okuteesa kwe byansonga eri omuntu. Eky'okuyiga kino kyogera ku bitundu bya Baibuli ebikwata ku masomo g'omusango, n'obwenkanya era kiwa abakkiriza omusingi okumanya enjawulo wakati w'okusalira Omwonoonyi omusango n'okuteesa kw'Omwoyo mu nsonga z'omuntu.

Katonda ye mulamuzi ow'amaanyi ow'omuntu.

Baruumi 2:1-6.

Ekigendererwa ekikulu ekya Bar. 1:18 okutuusa 3:20 si kukakasa bukakasa nti abantu bonna bonoonyi.. kino abantu bakitwala nga kyalusaago. Wabula okutegeera obukakafu bw'omusango gwa Katonda ku butaba na butukirivu, eyo y'empeera y'ekibi.

Mu ssuula 1, bannamawanga mubutuufu tebayogerwako, wadde nga bayinza okuba nga baali mu birowoozo by'abasomi b'essuula eno, naddala Abayudaaya. Mu butuufu abantu abamu, ng'otaddeko Abayuddaaya, bo bennyini tebandyetadde mu ttuluba ly'abonoonyi. Ng'ate abantu bano bennyini, mu butukirivu bwabwe bo baali mu kyetaago kyekimu ekyokulumirizibwa ekibi.

Okulumiriza ekibi kuno kusangibwa mu ssuula 2, n'omuntu ayogerwako nga "ggwe" ate mu ssuula 1 nga "bali"

Omuntu ey'emanyi obutukirivu teyebala kuba na musango; era si kyangu okumukkirizisa okuba n'ekibi. Obutuukirivu bwe n'empisa ze ennungi bimuletera okuwulira nga teyetaaga njiri ya Kristo.

Bwe kiba omuntu omwonoonyi ow'omussuula 1 "aziyinza" amazima n'okwonoona kwe, omuntu ow'ekitiibwa ow'essuula 2 alangirira amazima mu butaba nabutukitivu nga asala omusango. Amalala ag'omwoyo muziziko munene. Essuula 2 ennyiriri 1-16 zisengekeddwa nga bwezigoberegana.

1. Okunenya…. (2:1) Omutume ayogera ku mwoyo gw'omuntu eyemanyi obutukirivu singa omuntu akkiriza nti abonoonyi balina omusango, mazima aba yesalira yekka omusango. Omuntu alina okwejjamu esukuuti, Katonda ateeka abantu bonna ku kigero kye kimu.
2. Ennono essooka ey'omusango …. (2:2) Omusango gwa Katonda gwa "mazima:, n'olwekyo tegulina kwawula.
3. Obutasobola kwewala…(2:3-5) Omuyudaaya tasobola kwewala olw'obuzaaliranwa bwe oba eddini. Tewali butukirivu bwa muntu obuyinza okumuleetera okwewala omusango.
   Mu bitongole ebiramuzi eby'abantu, omuntu alina omusango ayinza okwejjeerezebwa singa (1) Omusango gweyazza tegumanyiddwa (2) Yewala ebifo amateeka wegayinza okumunywereza (3) Obujulizi bubula oluvanyuma lw'okukwatibwa kwe (4) Atoloka mu kkomera neyekweka bannamateeka. Tewali ekimu ku bino ekiyinza okuyamba omuntu okwewala okunenya kwa Katonda.
4. Ennono ey'okubiri ey'omusango … (2:6)
   Okukolagana kwa Katonda n'omuntu kusinziira ku butuukirivu bwonna mu kubonereza oba okuwa empeera- "asasula buli muntu ng'omulimu gwe bwe guli Engero 24:12.
5. Obutuufu bw'ensonga …. (2:7-10) Tewali kifo kya wakati kkati. Ebikolwa bibiri byokka abikkirizibwa. Abantu bakubeera ku ludda olumu oba olulala.
6. Eno ey'okusatu ey'omusango ….(2:11)
   "Katonda tasosola mu bantu" Katonda talondoba mu bantu. Abayudaaya okuba abalonde tekyategeeza nti ekyo kyababuusa omusango.
7. Omusango gwa nsi yonna… (2:12-15)
   Omitindo gy'omisango gijja kuba gya njawulo wakati w'Abayudaaya n'ebannamawanga. Abayudaaya balisalirwa kusinziira ku mateeka ga Musa, ne bannamawanga kusinziira ku teeka ly'omwoyo (Conscience), n'olwekyo, embala ke kakunizo ka byonna.
8. Ennono ey'okuna ey'omusango …..(2:16)|
   Abayudaaya n'ebannamawanga bombi bakuleetebwa maaso ku maaso ne Kristo era enjiri y'enkomerero y'omusango. "Ku lunaku Katonda kw'alisalira omusango gw'ebyama by'abantu, ng''enjiri yange bweri, ku bwa Yesu Kristo.

**Obwenkanya bwa Katonda**

Katonda alina obuyinza bwonna eri ebitonde bye. Alina obuyinza obutukiridde okulungamya emirimu gye nga bwayagala Zab. 115:3; 135:6.

Katonda mulamuzi Zab. 50:6, Nga omulamuzi, ateeka omusango ku kibi. Bar. 6:23, "Empeera y'ekibi kufa" Katonda alagira atagondera mateeka ge abonerezebwa. Ekyamateeka 18:18-19.

Katonda atuukiridde mu misango Is. 45:20-25 Zab. 89:13-16.

Obutukirivu bwa Katonda tebwasosola II Ebyom. 19:4-11

Bar. 3:26 "Okulaga obutuukirivu bwe mu bino: alyoke abeere Omutukirivu era ng'awa obutukirivu akkiriza Yesu"

Obwenkanya bwa Katonda butuukirizibwa na kuwaayo kwa Katonda. Yesu Kristo yasasula omutango.

Kol. 2:13-15.

Yesu mwene mu buntu n'emirimu bi tuukiriza obutuukirivu bwa Katonda n'obwenkanya.

II Kol. 5:21, Isa. 53:10-11

N'olwekyo, Katonda mwenkanya bwasonyiwa omuntu akkiriza emirimu gya Yesu Kristo.

Bar 8:1; "kale kakaano tebaliiko musango..."

1Yok. 5:11-12 "Era okutegeeza kwe kuno nti Katonda yatuwa obulamu obutaggwawo, era obulamu obwo buli mu mwana we. Alina omwana alina obulamu atalina bulamu atalina mwana wa Katonda talina bulamu.

Ennono: Ekisa bulijjo kye kisooka omusango Mal. 1:2

### Okulamula

Waliwo ebigambo bingi mu Baibuli ebyogera ku bika ebyenjawulo eby'okwawula, Omusango, n'okusingibwa omusango. Emirundi egimu tulabulwa obutenyigira mu kusalira omusango abalala. Emirundi egimu tulagirwa kwenyigira mu kuteesa nga tusalawo ensonga. Kumpi mu kitundu mu Baibuli eky'ogera ku kusala omusango, kontekisiti ekuyamba okusalawo kusala musango naba ki okwogerwako.

Mukweyongera okutegeera mu kuyigiriza kwaffe, ebiseera ebisinga tukozesa ekigambo, okulamula nga twogera ku kunenya okubi okutali kulungi okukolebwa omukkiriza avudde mu bumu, oba atakkiriza olw'embeera ezimu. Tukozesa ekigambo okwawula (discernment) okusobala okukebera abantu, ebintu ebikolebwa (events) oba ebizibu, ekikolebwa abakkiriza abali wansi w'okufuga kw'Omwoyo Omutukuvu.

### Enkozesa ya (Krino)

Ekigambo ky'Oluyonaani ekiraga ekikolwa "okulamula" Ekigambo kino kikozesebwa ku kukebera okugwanira n'okusala omusango okubi. Ekigambo kino kirina enkozesa nga zino wammanga:

"Okulonda wo (select),  nsinga kwagala kino(Prefer)"

Bar. 14:5 "Omuntu omulala alowooza(krino) olunaku olumu okusinga olulala, omulala alowooza ennaku zonna okwenkanankana. Buli muntu etegeererenga ddala mu magezi ge yekka.

Kuno kwe kweteesa okugwanira (legitimate discemment).

"Okulamula" "Mbagamba ng'abalina amagezi; mulowooze kye njogera." IKol 10:15 kikozesebwa mu ngeri entuufu ey'okuteesa.

"Okutuuka ku kusalawo" "….nga bwe kiragirwa …." I Kol. 7:37 Okutegeera okutuufu.

"Okutuuza olukiiko olw'omusango" (Kikozesebwa mu mateeka)

I Kol. 1:5-12, "Kubanga nfaayo ki okusalira. Omusango abali ebweru?  Mmwe temusalira musango ba munju?" Pawulo oba ekanisa balina olukusa okutuuza olukiiko olw'omusango. Eri abakkiriza kino kigwaana.

Bikolwa 25:10 "….wa nngwanidde okusalirwa omusango". Pawulo ng'ali mu maaso g'entebe esalirwako omusango ey'abaruumi awagwanira okusalirwa emisango.

"Okugonjola empaka oba ennyombo".

I Kol 6:6, "naye ow'oluganda awoze n'ow'oluganda era ne mu maaso gaabo abatali bakkiriza…"

Wano, krino kivvunulwa nga, "okugenda mu mateeka", ekyo kyo kikkirizibwa. Naye bwekiba wakati wa ba memba b'ekanisa ababiri si kituufu mu mbeera bwezityo.

Entebe ey'omusango ey'obwakatonda.

2 Tim. 4:1, "…. Kristo Yesu, alisalira omusango abalamu n'abafu, era n'olwokulabika kwe n'obwakabaka bwe".

"Okusala omusango, kwe kulaga endowooza"

Mat 7:1,2. "Temusalanga musango, muleme okusalirwa. Kubanga omusango gwe musala gulibasalirwa nammwe: era ekigera kye mugereramu, ekyo kye muligererwa nammwe" Ekika ky'omusango kino kiba kulamula kubi okukolebwa omukkiriza ali ebweru w'obumu.

Yok. 7:24 "Temusalanga musango okusinziira ku ndabika, naye musalenga omusango ogw'ensonga" Kino kyakulabirako kirungi nnyo eky'okuyigiriza kwa Mukama okuteesa ng'osinzira ku mazima ag'Omwoyo mu kifo ky'okusala omusango okubi.

"Okusala omusango ogutali gwa nsonga, okuwakanya, okunoonya ensobi ku, okuvunaana".

Bar. 2:1 "Kyova olema okubeera n'eky'okuwoza, ggwe buli muntu anenya kubanga ky'onenya munno, weenenyeza ddala wekka; kubanga ggwe anenya, okola ebyo" Kino kiyinza okuba ekibi ky'omutima, ekibi ky'olulimi oba byombi.

Bar. 14:3, "Alya tanyoomanga atalya era atalya tasaliranga musango alya: kubanga Katonda yamusembeza" mu ngeri endala, ffa ku bubyo.

Bar 14:10, "Naye ggwe kiki ekikusaliza omusango muganda wo? Oba naawe kiki ekikunyoomesa muganda wo? Kubanga fenna tuliyimirira mu maaso g'entebe ey'emisango eya Katonda" Okusala omusango kwonna kulekere Mukama.

Bar. 14:13, "Kale tulemenga okusalira banaffe emisango nate fekka na fekka; naye waakiri musale omusango guno, obutaleeteranga wa lugnda ekyesittaza oba nkonge. "Wano krinw kikozesebwa mu ngeri ennungi oba embi.

I Kol 4:5, "Kale temusalanga musango gwa kigambo kyonna, ebiro nga tebinnatuuka, okutuusa Mukama waffe lw'alijja, alimulisa ekikwekebwa eby'omu kirikiza, era alirabisa okuteesa okw'omu kizikiza, buli muntu n'alyoka aweebwa ettendo lye eri katonda".

IKol. 10:29, "bwe njogera omwoyo, si gugwo gwe naye gwa mulala, kubanga eddembe lyange lwaki okusalirirwa omusango n'omwoyo gw'omulala?"

Kol. 2:16 :Kale omuntu yenna tabanenyanga mu by'okulya oba mu by'okumywa, oba olw'embaga oba olw'omwezi oguboneka oba olwa ssabbiiti…." Leka omukkiriza oyo atambule ng'asanibwa Mukama.

Yok. 4:11,12 "Temwogeraganangako bubi, ab'oluganda. Ayogera obubi ku w'oluganda, ayogeraobubi u mateeka, era asalira musango mateeka. Naye bw'osalira omusango amateeka, nga toil mukozi wa mateeka, wabula omusazi w'omusango. Eyateeka amateeka era omusazi w'omusango ali omu, oyo ayinza okulokola n'okuzikkiriza; naye ggwe asalira omusango munno ggwe ani?

Omulalu ono aba yegulumiza okwenkana Katonda bw'asala bw'ati omusango.

**ENKOZESA YA (anakrino)**

"Okwekenneenya eby'okuddamu "… okusalira omusango kitegeeza "okwekennenya" kino kikolwa ekigwaanira, okusinga ku bikwaata ku ndowooza yaffe eri ebyawandiikibwa. Bikolwa 17:11, Naye bano baali balungi (baggufu mu ndowooza) okusinga ab' e ssessalonika, kubanga bakkiriza ekigambo n'omwoyo omwangu (okuyayaana) ennyo, buli lunaku nga banoonya (anakrino) mu bya wandikibwa oba nga ebyo bwe biri bwe bityo".

IKol. 10:25-27, ….. mukilyanga, nga temubuuzizza kigambo olw'omwoyo … ekitekebwanga mu maaso gammwe mukilyanga, nga temubuuzizza kigambo olw'omwoyo". Ensonga eri nti tetulina kufuula nsonga emmere bw'eteerwa mu maaso gaffe netusala omusango olwa yyo.

"Okwawula emyoyo" (bwe tuba mu kanisa)….

Ekiraga nti anakrino kirina amakulu amalala amalungi kisangibwa ku zimu ku nnyiriri wammanga. Ekigambo "eky'omwoyo" kitegeeza omukkiriza mu kanisa asobola okwawula emyoyo awatali kuba na musango okuva eri Katonda.

IKol. 2:14,15 "Naye omuntu ow'omukka obukka (takkiriza) takkiriza mwoyo gwa katonda: kubanga bya busirusiru gyali, era tayinza kubitegeera, kubanga bikeberwa na mwoyo (anakrino). Naye omuntu ow'omwoyo (mu bumu) akebera byonna, naye ye yennyini takeberwa muntu yenna.

Okuwakana n'omuntu, okubuusabuusa, okuyuzibwayuzibwa.

Bar. 4:20 "naye mu kusuubira kwa Katonda (Ibulayimu) teyabuusasuusa (diakrino) mu butakkriza…."

Bar. 14:23, "Naye oyo abuusabuusa (diatrino) azza omusango bw'alya, kubanga talya mu kukkiriza; na buli ekitava mu kukkiriza, kye kibi".

"Okwawula"

I Kol 4:7 "Kubanga akwawula ye ani? Kino kyogera ku kibi eky'okusaliriza, okusukulumya omuntu omu ku mulala; kiva mu kumala kulemwa kumanya nti omuntu ali ekyo kyali lwa kisa kya Katonda.

Okwesalira omusango"

I Kol. 6:5, "Njogedde kubakwasa nsonyi kiri bwe kityo nti mu mmwe temuyinza kuzuuka muntu mugezi ayinza okusalira baganda be ensonga?"

**ENKOZESA ya (Kritikos)**

Kyakozesebwa omurundi gumu mu kigambo kya Katonda, okulaga omutindo gw'ekigambo kya Katonda ng'omutindo ogwekomeredde ogw'omusango.

Baeb 4:12, "Kubanga ekigambo kya Katonda kwangu, era kikozi, era kisala okusinga buli kitala kyonna eky'obwogi obubiri, era kiyitamu n'okwawula ne kyawula obulamu n'omwoyo, ennyingo n'obusomyo, era kyangu okwawula (kristikos) okulowooza n'okufumiitiriza okw'omu mutima.

**Enkozesa ya (Diakrisis)**

Baeb 5:14, "Naye emmere enkalubo ya bakulu (abakkiriza abakulu) abalina amagezi agayigirizibwa okw'okugakoza okwawula (dia-krisis) obulungi n'obubi." Omukkiriza akozesa ekigambo kya Katonda mu bumu asobola okwawula ebintu bingi.

**Balunzi b'ekisibo kya Katonda**

I Peter 5:1,2 "Kale mbulirira abakadde abali mu mmwe nze mukadde munnammwe era omutegeeza w'ebibonoobono bya Kristo, era agabanira awamu ekitiibwa ekigenda okubikkulibwa. MULUNDENGA EKISIBO kya Katonda ekiri mu mmwe, nga mukirabirira si lwa maanyi naye lwa kwagala, nga Katonda bw'ayagala; so si lwa kwegombanga amagoba mu bukuusa, naye lwa mwoyo. Ekyamateeka 8:3, "N'akutoowaza n'akulumya enjala, n'akuliisa emmaanu, gye wali temanyi, so ne bajjaja bo tebagimanyanga, akutegeeze ng'omuntu taba mulamu na mmere yokka, naye olwa buli ekiva mu kamwa ka Mukama omuntu kyava aba omulamu".

Tubeera balamu lwa kigambo kya Katonda, ekiva mu kamwa ka Mukama. "Leka endowooza eno eyali mu Kristo ebeere mu mmwe!"

Era basumba baffe be balina omulimu ogw'okugabirira n'ekyokulya kino, tuleme okukogga mu mwoyo!

Ekigendererwa kyange mu kiwandiiko kino kwe kuwa enyanjula ku ndowooza ya Baibuli ku kulunda (okusumba) okuva eri Yakuwa era Mukama Yesu Kristo nga Omusumba, eri abakkiriza abalunda era abafaayo eri "endiga ez'omukisibo kye"

Abasumba n'abakadde balunzi. Ekigambo ky'oluyonani (Poineinos), kikozesebwa omulundi gumu mu ndagaano empya mu Baef 4:11, kivvunulwa "Omusumba" mu ngeri endala nga mu ! Pet. 5:2, ekikolwa

(Poimeinw) kivunuddwa “Okulunda” kale nno abasumba n’abakadde balunzi” era abakristaayo kye “kisibo” ekirina okuliisibwa.

Nteekateeka mu kiwandiiko kino okulaga mu bujjuvu omulanzi w’abakristaayo ow’omwoyo bwaali, ng’otaddeko ebisanyizo n’emirimu gye.

Essomo lino ligya kuva mu ky'okuyiga Baibuli yonna kyeyogera ku Basumba, nga twetegereza bino wammanga:

- Yakuwa nga Omusumba
- Mukama Yesu Kristo ng’Omusumba omulungi.
- Kabaka Dawudi nga Omusumba w’abantu be
  Yali mulenzi mulunzi era Omusumba w’Obwakabaka bwa Isiraeli.
- Abasumba n’abakadde, ng’otaddeko abo bonna “abalunda ekisibo kya Katonda”.

Ndowooza ebitundu mu Baibuli byennondobyemu mu ky’okuyiga kino kigenda kulaga nti waliwo ekigera kya Baibuli ekisimbiddwa obulungi ku mulimu gw’obusumba, era omuntu bwamanyibwa ng'Omusumba ow’endiga ow’amazima, omutindo ogumu  gulina okutukibwako.

Tito yaweebwa omulimu ogw’okulonda abasumba (abakadde) b’ekkanisa z’omubitundu ku kizinga ky’e kuleete. Bw’oba olonda Omusumba (Omulunzi), kikulu okubeera n’endowooza ennungi ey’ekyo Katonda kyagenderera Omusumba okubeera.

Okulaga ekifaananyi:

- Omusumba omulungi ateeka ebyetaago by’endiga mu kifo ekisooka, era ng’awulira alina omulimu ogw’olubeerera eri endiga. Omuntu atamanyi kufa ku ndiga, oba oyo eyeesamba endiga, si musumba mulungi.
- Omusumba, omulungi atwaala endiga mu ddundiro ery’omuddo omulungi n’amazzi. Omuntu atawa ndiga mmere n’amazzi si musumba mulungi.
- Omusumba omulungi ateeka olukomera okuziyiza abo abandireese obulabe ku ndiga. Omuntu ssekinoomu aleete obulabe oba akanga endiga oyo si musumba mulungi.

### Yakuwa ng’Omusumba

Waliwo olujegere lw'obuyinza  mu bintu by’ekikristaayo. Mu olujegere lw’obuyinza, nga mu kitongole ky'amaje, eddaala erimu mu buyinza bweriremererwa okukola obulungi, obuvunanyizibwa butwalibwa eddaala ly’obuyinza eririddirira waggulu waalyo.

Katonda Kitaffe, Yakuwa, bulijjo atunuulira endiga ze; bulijjo mwetegefu okutwala obuyinza endiga bwe zitakwatibwa bulungi nabasumba baazo abalondebwa.

### Yeremiya 10:19-22

[Ngenda kulaga ebitundu by’ebyawandiikibwa okulaga ekifaananyi ky'ebirowoozo bino, naye kiri eri ggwe okwekkebejja “kontekisiti” y’ebyo byonna ebyogeddwa mu kitundu kyonna kye mba nnokoddeyo. Manya nti ennyiriri z’endaze zisonga busonzi ku bitundu ebigazi ebya Baibuli ebyetaaga okulambikibwa mu “context”

Ekiteeso: Soma ekitabo kyonna ekya Yeremiya okuva abasumba webalabikira, abalungi n'ababi, ne mirimu gyabwe eri “endiga” zaabwe.

Yeremiya 23:1-6

Yeremiya 50:4-19

Zabbuli 23.

Isaaya 44:24-28

Ne bakabaka bannamawanga, kuulo, yayitibwa Omusumba, okutukkiriza emirimu egyenjawulo, okuwaayo ku kuzimba Yerusalemi.

**Soma Ezekyeri 34.**

Okuva ku nnyinyonyola ya C.F Keil ku kitabo kya Ezekyeri.

Abasumba ba Isiraeli, mu biti bino, abebyobufuzi, nabakulembeze b'eddini, baali beriisa bokka nebalagajjalira n'ekisobo. Endiga nezisasaana era nezifuuka omuyiggo eri ensolo z'omunsiko. Mukama aliggyawo abasumba ababi okuva mu bifo byaabwe.

Mukama agenda kutwala obuvunanyizibwa ku kisibo kye, okunngaanye endiga ze okuva gyezasasaanira, era aziriise era azitwale mu ddundiro ery'omuddo ery'olukalu lwa Isiraeri. Aliwewa ekisibo ng'aggyamu "ezisavuwadde" "nendalulalu".

Agenda kulonda omuddu we Daudi okuba Omusumba we kisibo kye, akole endagaano ey'emirembe n'abantu be, era alyoke awe Omukisa ensi okubala, Isiraeli alyoke atuule omwo mu bukuumi era tewabenga kubonabona nate, enjala oba okutwalibwa mubusibe n'abalabe baabwe.

Essuula eno (Eze. 34) eddibwamu era bwe bugazi bw'obunnabi mu Yeremiya 23:1-3. Obunnabbi buno bwombi bwogera ku bulokozi bwa Isiraeri era n'amazima g'endiga okukunganyizibwa nga Mukama mwene yazirunda ne Dawudo omuweereza we.

Kub. 7:17, :Kubanga omwana gw'endiga ali wakati w'entebe y'anaabalundanga era alibaleera eri enzizi ez'amazzi ag'obulamu; era Katonda alisangula buli zziga mu maaso gaabwe!

Kub. 12:6, "N'Omukazi n'adduka n'atuuka mu ddungu, gye yalina ekifo ekyateekebwateekebwa Katonda, balyoke bamuliisizenga eyo ennaku lukumi mu ebikumi bibiri mu nkaaga"

**Mukama Yesu Kristo ng'Omusumba OMulungi**

Yesu Kristo ayanjulwa nga "Omusumba Omulungi" awaayo obulamu bwe olw'endiga ze. Kino kyogera ku mulimu gwa Kristo ogw'okulokola ku musaalaba, okutangirira.

Mu Baeb. 13:20,21 ayitibwa "Omusumba Omulungi" ekitiibwa ekyogera ku mukisa gw'obwa Katonda eri abakkiriza abakulu.

Mu I Pet. 5:4, erinnya "Omusumba omukulu" lye linnya lya Kristo nga tumusisinkana oluvanyuma lw'okufa.

Mukama Yesu agabirira endiga ze mu ngeri nnyingi.

- Nga bw'olaba endiga, omukkiriza tasobola kweyamba, talina kungamizibwa; endiga ekulembelwa mulunzi. Twetaaga amazima ga Baibuli ng'okulungamizibwa kw'obulamu bwafe.
- Endiga tesobola kweyonja; kino kitujukize obugabirizi bwa Mukama obw'okutukuza, nga bwe kilagibwa mu I Yok. 1:9
- Endiga tesobola kweyamba bw'eba nga ekosese. Kati, bwe tuba tukoseddwa n'ebizibu ebyenjawulo mu bulamu buno, Mukama yekka yagabirira ebyetagisa okuwona.
- Endiga tesobola kwerwanako; yesigama ku mulunzi okukumiibwa. Mukama yagaba ebyokulwanyisa ebya Katonda lw'obulamu.
- Endiga tesobola kwenonyeza mmere oba amazzi. Endiga erina kwesigama ku mulunzi okugitwala ku mazzi.
- Endiga etiisibwa mangu oba ekankana mangu Omulunzi agiwooyawooya n'ennyimba mu kiro; kwe kugamba. Amazima Baibuli mu mmeeme.
- Endiga bwevaako ebyoya, biba bya manyi kisibo. Tebiba bya ndiga.

Buli mukristaayo alina okuba "nga Kristo" naddala Abasumba n'abakadde, balina okuba n'ebisanyizo by'omuwumba omulungi ebiri mu Kristo.

Omukadde alina okuba "n'endowooza ya Kristo". Kino kitegeeza nti Omukadde ono bwaba akula mu mulimu gwe, atuuka okubeera nga Kristo mu birowoozo byo nemukusumba. Bwatakola ekyo, abeera musumba mubi.

Matayo 9:35-38

Matayo 25:31-34

Luka 15:4-7

Yokaana 10:1-18

Yokaana 21:15-17

By'ekuume ng'obiyiga – endiga za Mukama Yesu Kristo.Mu byawandiikibwa byonna byetuyiga, ekisibo kya Katonda. Si kya muntu yenna. Olwekyokulabirako, Daudi yali mulunzi w'endiga za kitawe, Yesse.

Mu Baeb 13:20, Kristo ayitibwa "OMusumba w'endiga omulungi"

1 Pet. 2:21-25, "kubanga ekyo kye mwayitirwa, kubanga era kristo yabonyaabonyezebwa ku lwammwe, ng'abalekera ekyokulabirako, mulyoke mutambulenga mu bigee bye; ataakola kibi newakubadde obukuusa tebwalabika mu kamwa ke: bwe yavumibwa, ataavuma nate; bwe yabonyaabonyezebwa, ataakanga; naye yeewaayo eri oyo asala Omusango ogw'ensonga: eyeetikka ye yennyini ebibi byaffe mu mubiri gwe ku muti, ffe nga tumaze okufa ku kibi, tulyoke tubeerenga abalamu eri obutuukirivu, okukubibwa kw'oyo kwe kwabawonya. Kubanga mwali mu kyama ng'endiga, naye kaakano mukomyewo eri omusumba era Omulabiriza w'obulamu bwammwe.

**Matayo18:10-24**

Zabbuli 78:51-54, "N'akuba ababereberye bonna abaali mu Misiri, Abaasinga amaanyi mu weema za Kaamu; Nay n'aggyamu abantu be ye ng'endiga, nabalungamiza mu ddungu ng'ekisibo. Nabakulembera mu ddungu ng'ekisibo. N'abakulembera mu mirembe bw'ati n'okutya ne batatya: Naye ennyanja n'esuulira ddala abalabe baabwe. N'abaleeta ku nsalo ey'awatukuvu we, ku lusozi luno omukono gwe ogwa ddyo lwe gwagula.

Zabbuli 79:13, "Naye abantu bo era endiga ez'ettale lyo tunaakwebazanga ennaku zonna; tunaayolesanga ettendo lyo okutuusa emirembe gyonna.

Isaaya 40:10,11 "Laba Mukama Katonda alijja ng'ow'amaanyi, n'omukwako gwe gulimufugira; laba empeera ye eri naye, n'okusasula kwe kuli mu maaso ge. Aliriisa ekisibo kye ng'omusumba, alikunganya abaana b'endiga mu mukono gwe, n'abasitula mu kifuga kye, aliyiririza mpola ezo eziyonsa.

Singa omukadde abeera n'endowooza ya Kristo, ajja kusobola okuba n'endowooza ya Kristo eri ekisibo era n'eri omulimu gwe Omusumba. Eno y'endowooza n'ensonga ey'okutunuulira mu muntu aluubirira ekifo ky'Omusumba oba Omukadde.

**Daudi nga Omusumba wa Isiraeri**

1 Ebyomumirembe 17:3-19

1 Ebyomumirembe 21:16-17

Mu kitundu kino, Daudi atwala obuvunanyizibwa obw'okukwata obubi ekisibo kye bwe yabala abantu.

**Ebisanyizo by'Omwoyo eby'Omukadde (Omusumba)**

Omulimu ogusinga obukulu mu kanisa – era ekintu ekisinga obukuluu omukristaayo kyasobola okwenyigiramu – kwe kuyiga n'okuyigiriza ekigambo kya Katonda. Amazima ga Baibuli ebintu byonna ebikolebwa mu bulamu bw'ekikristaayo kyasobola okwenyigiramu – kwe kuyiga n'okuyigiriza ekigambo kya Katonda. Amazima ga Baibuli ebintu byonna ebikolebwa mu bulamu bw'ekikristaayo, gamba nga okusinza, okusaba, okubuulira enjiri, emirimu gy'obutume, Obuyigirizwa, n'obumu. Bwe eataba musingi mugumu mu nnono ya Baibulu, nenjigiriza Baibuli, Obulamu bw'ekikristaayo buba bwa kukubirira eno

n’eri okugezaako okuweereza Mukama nga totegeera enteekateeka ya Katonda eri obulamu bwo n’obuweereza.

Mu kanisa y’omukitundu, omuntu alina okuyigiriza, okutereeza ebintu, okutegera emirimu gy’ekitongole, si nsonga oba kitono kitya. Bwe wataba madaala gagobererwa mu bantu b’Omukitundu, era abakulembezi bagya kututunukayo oba nga balondeddwa ekibiina oba nga tebalondeddwa mu mateeka, okuyingira mukituli ky'obukulembeze.

Mu Baibuli, abakulembeze ba bakristaayo tebalondebwa mu ngeri yabyabufuzi, oba olw’obukulu bwabwe, oba olw’okuwaayo ebiwandiiko ebiboogerako. “Obukadde bw’ekanisa kitiibwa kya lutalo; omuntu asoose okugezesebwa era akakasiddwa mu lutalo oyo yalabika okuba omuntu omutuufu okulondebwa ng’Omulabirizi oba omukadde w’ekkanisa.

Sserikale omumerika akyasinze okwambazibwa ebitiibwa bya Ssematalo ow’okubiri, Audie Murphy, yafuna ddaala lya lefutinanti oly’okubiri, oluvanyuma lw’okulwana mu lutalo. Abakulembeze be baalabamu  ebisanyizo by’obukulembeze n’obusobozi ebyamusaanyiza ekitiibwa ekyo.

Obulemu obwali ku mubiri gwe bwamuremesa okuyingira essomero ly’ekinnamajje mu U.S oluvanyuma lw’olutalo.

Mu bbaluwa eri Tito, omulimu ogwaweebwa Tito gwali gwakuzuula ani asaanila okulondebwa, okusinzira kulukalala lw'omutindo Pawulo byeyali ataddewo.

Ekisaanyizo ekikulu ku bisaanyizo kyali nti Omukadde w’ekanisa wa “kunyweza ekigambo ekyesigwa ekiri ng’Okuyigiriza kwaffe bwe buli, alyoke ayinzenga okunnyonnyola abantu enjigiriza entuufu n’okulaga obukyamu bw’abo abagiwakanya” Omukadde aba muyigiriza wa kigambo kya Katonda. Singa tayigiriza kisibo kye ebyo Baibuli byegamba, endiga ze zubula.

Ebisanyizo by’abakadde (Abasumba, abalabirizi n’abadinkoni) biweereddwa mu byawandiikibwa nga 1 Petero 5, Tito 1 ne 2, 1Tim, ne Bik. 7.

Lowooza ku mulimu gwa Tito ogw’okulonda abakadde ku kizinga kuleete.

Yali wakutunuulira abantu b’omubitundu ku kuleete era n’okusalawo w’okulonda nga Omukadde. Oba olijawo yagezesa abasaba ebifo. Oba oly’awo yabuuza abakkiriza abalala. Okwogera ku bulamu bw’abantu abenjawulo.

Kisobokera ddala okuba munnanfuusi mu bulamu bw’ekikristaayo. Omuntu asobola okufuula akaseko ku matama, okwogera olulimi lwekanisa gyasabiramu, asobola okweyawula okuva ku by'omizizo, era asobola okukwata okulimba abantu abasinga ekiseera ekisinga. Nekisooka, tetugenda nga kubuuza abantu oba emirimu gyebasomera n’ebyo bye beyita nga bituufu. Singa omuntu yeyongerako okuba n’okwagala Katonda nga yewaddeyo eri Obuweereza, otegeera otya nga byeyogerako byamazima?

Wewaawo, waliwo ebntu bibiri nga bwekiri ekizibu ennyo okusiluwaza omuntu eyali eyise mu bingi nga Tito. Ekisooka kizibu okulaga ekifananyi ekyokuba n’okwagala okunene eri ekigambo kya Katonda. N’ekyokubiri, kizibu okusiliwaza Omukristaayo, ow'omwoyo okukkiriza nti gundi alina ebibala eby’Omwoyo Omutukuvu.

### Okwgala ekigambo kya Katonda

Omuntu bwayagala Mukama mu mazima, okwagala ekigambo kya Katonda kugya buzzi. Omuntu oyo bulijjo yeyongera kunnyikira mu kigambo kya Katonda. Nekisooka, Baibuli kigambo kya Mukama waffe Yesu, Omwagalwa, era okuyamba okumanya ekigambo, okukifumitiririzaamu, n’okukyogerako, kijja buzzi nga omulenzi bw’aba mu kwagala n’omuwala.

Mazima ddala, eno embala esobola okukozesebwa mu kukebera ebisaanyizo by’omuntu anaweereza mu kifo kyonna. Omuntu asobola okujja ku kanisa, okwenyigira mu kusinza n’emubuweereza, oluusi nenjogera y’ekikristaayo agimanyi. Naye ng’ate alina ebirubirirwa birala.

Omukenzi bwayagala okukwana omuwala mpolampola asembera kumpi naye, n'oluusi okwefuula neky'otali. Abantu babanga bunnawolovu mu kugezaako okusanyusa abalala. Naye kizibu nnyo omuntu okwefuula nga eyannyikira mu kigambo kya Katonda, okujjako nga Baibuli yenkulungo y'ebirowoozo byo n'okwewaayo.

Omukristaayo avugibwa n'okuyayaana okumanyika, ayaka ow'okuba n'amaanyi oba okwegomba okuba n'obukugu mu ddini, asobola okubeera byonna oba okutuuka ku nteekateeka yonna oba ekigera kyonna. Ekimu ku bintu ebizbu okwefuula, kwe kubeera mu Mukama Yesu n'ekigambo kye.

**EBIBALA BY'OMWOYO OMUTUKUVU**

Ekintu ekirala ekizibu okubikkako bwe butaba na kibala kya mnwoyo mutukuvu. Naye omanyira kuki nti omuntu ajjuziddwa omwoyo omutukuvu?

Abantu mu Bikolwa by'abatume 7 ekyo kyebaali basuubirwa okukola mu kulonda bali abaweereza abasooka omusanvu. Baali basuubirwa okulonda abantu okukola omulimu guno, nga basinza ku kisanyizo kino kyokka. Singa wali mu kanisa eyo, wanditegedde otya ow'okulonda?

Wandikkiriza nti omuntu yajjula Omwoyo Omutukuvu kubanga akugambye bugambi oba kubanga akugambye yayita mu mbeera ey'okujjuzibwa? Wandiyitise ng'omaze kulaba nga omuntu atuyanye, amwenyereketa, n'okuwulira nga akozesa mwoyo> Ekintu ekirabika kungulu kyangu okucupula oba obusobozi, kyamazima abantu abalala bakwatibwa ensaalwa era nebagala okwefuula bwebatyo oba oluusi nga (simooni omulogo) okwagala okugula obusobozi obwo ne sente!

Naye Tito yali atunuulira embala eyamazima ey'omukristaayo eyali mu bantu beyali alondera mu bifo by'obuvunanyizibwa mu kuleete.

**Okwagala** – Ekibala ekisooka okunokolwa eky'Omwoyo Omutukuvu mu Bag. 5 kwe kwagala.

Tito 1:8 kigambo nti Omulabirizi alina okuba omuntu "ayaniriza abagenyi" (Philozeno); kino kyettise amakulu ag'okwaniriza abagenyi okukolera omuntu ekintu nga tasaana nakukikolerwa, kubanga tewabadde kintu kyonna ky'omumanyi ko. Ekigambo kino kiraga endowooza ey'Ekisa eri abantu abatannaba kuba nakakwate gy'oli.

Ekigambo kino eky'okwagala okutali kwa bantu ekika ky'endowooza etaliimu sikuuti, buggya bukyaayi oba okunyooma abantu abalala, newankubadde nga wabaddewo obutakwatagana mu njigiriza z'ekanisa. Kino kye kika ky'okwagala ekiretera Omukristaayo okwagala abalabe be.

Tewali buggya kuba naliiso bbi, obutuukirivubwo kububwo, oba okusaba omusango okubi mu kwagala kuno. Temuli bukyaayi oba lugambo mu kwagala kuno.

Okwagala bwe kuti kibala ky'Omwoyo Omutukuvu. Tekiva buvi mu kubugumirira, wadde nga kireeta okubugumirira. Kuno kwe kwagala Omukristaayo akuze kwalina okuba nakwo, kufaananira ddala n'okwagala kwa Katonda, embala etesigamye ku mpisa oba embala y'omuntu ayagalwa, naye wabula ku mbala y'oyo ayagala.

**Essanyu** – Essanyu kwe kusanyuka Katonda kwagaba, okusanyuka okutaligana ku bantu, embeera, oba ebintu okusobola okukuuma. Essanyu kwe kuwummula mu mutima ekiggya nga tuyiringisizza emigugu gyaffe ku Kristo; nga tumanyi nti atufaako. Omuntu atalina ssanyu ly'Omwoyo okusikkiriza kw'ensi ku muwalura kubanga taba nakumatizibwa mu bintu bya Katonda.

EMIREMBE- Emirembe gwa mu kuwummulira mu kukkiriza. Okukkiriza – okuwummula gy'emitendera egy'okwesiga Katonda kitaffe okukuuma ebisuubizo bye, okukolanga olwabuli ebiGWA TEBIRAZE N'OKUGEZESEBWA ERA N'OKUSANYUKIRANGA EMIREMBE EGYO Kristo gyagaba olw'okubeera ye. Omuntu atalina mirembe gya Katonda wa kuba n'emitawaana n'obwerelikirivu, oba gezaako okumalawo ebizibu mu mubiri, era n'okwolesa okweralikirira nga abatakkiriza mu kifo kye kimu.

OKUGUMIIKIRIZA: Okulaba ewala; omuwendo oguva mu kuba nembaba ey'obutagwaawo mu kubbera mu Kristo, okutambulira mu kigambo kya Katonda, n'okumanya enteekateeka ya Katonda bw'eri era n'engeri gy'era ekola mu bulamu. Omuntu atalina kugumiikiriza ebintu" nga tayagala kulindirira Mukama okumugabirira oba okumugulumiza.

**Ebisaanyizo by'Omulimu gw'abakadde**

Omukadde w'ekanisa alina okuba Omusomesa atukiridde ow'ekigambo kya Katonda. Waliwo emirimu emirala mingi egy'abakadde b'ekanisa, pkusinga egy'abo abalabirizi, nga bakabona, abasumba, abakulembeze; naye obuvunanyizibwa obukulu kwe kuyigiriza – okuliisa ekisibo.

Ku mbala ey'omwoyo n'obwesimbu bw'omuntu obw'ogeddwako waggulu birina okugattibwaako okutendekebwa n'okukula mu "kumanya Mukama waffe era Omulokozi Yesu Kristo" Oyo akkiriza Omukadde, nga Omukulu mu bakkiriza, okuweereza nga Omusumba Omulungi.

Ekanisa eyomukitundu yetaaga wakiri omuuntu omu ayigiriza Baibuli n'omuwendo (quality) ogumala, era mubungi obumala, okugabirira emmere ennamu ey'omuwoyo eri ekanisa. Omuyigiriza yetaaga okuba n'okumanya kwonna mu kigambo kya Katonda era n'obusobozi okukwanaganya amazima n'enjigiriza z'ebyowandikibwa era n'okutekesa munkola ennono eri Omukristaayo.

Omukristaayo yetaaga okumanya Baibuli kye gamba era nekyetegeeza. Omukrsitaayo ateekeedwa okuba Omulamu "olwabuli kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda. "Tewali kirina kudda mu bulamu bw'omukristaayo olw'okumanya amazima, enjigiriza z'abaibuli, n'ennono z'omwoyo ez'ekigambo. Omusumba alina okukkiriza n'okusobola okumala essaawa okuyiga n'okuyigiriza ebyetaagisa singa tewaba musumba kuyigiriza bintu bino, abantu bajja kuba bayala.